# ASSE MUGANZI WE NE YEETWALA KU POLIISI

Bya WASSWA B. SSENTONGO NE S. KANYIKE

POLIISI y'e Luweero ekutte omusajja agambibwa okubaka ejjambiya n'asanjaga muganziwe ebiso ebya musse ng'amulanga kumusanga ng'apepeya n'owa bodaboda.

Gilbert Tumwesigye 26, gwe baakazaako erya Rasta Niga Nwiga omutuuze ku kyalo Bajjo mu ggombolola y Nyimbwa mu Luweero y'agambibwa okutema muganzi we Sarah Kabahwezi (25) oluusi gwe bayita Shila n'amutta, oluvannyuma ne yeetwala ku poliisi.

Omwogezi wa poliisi mu Savanna ASP Sam Twineamazima yategeezezza nti bino byabaddewo mu kiro ekyakeesezza Olwokuna. Kigambibwa Kabahwezi abadde yaakamala omwezi gumu nga baagalana ne Tumwesigye era abadde n'ebbaala ku kyalo kye kimu.

Omulambo gwa Kabahwezi gwasangiddwa ku kkub nga yasanjagiddwa ebiso ebiwerako era nga gubikkiddwaako olugoye ekitundu ekya wansi nga gubunye eb wundu ebiteeberezebwa okuva ku biso ebyamutemed dwa.

Omugenzi ne Tumwesigye wadde babadde baagala naye buli omu abadde asula wuwe kyokka omugenzi oluusi abaddenga asula mu bbaala ye naddala ng'obudde bumuyiseeko.

Kigambibwa nti Tumwesigye yasanze muganzi we n'owa bodaboda nga bapepeya n'ekyavuddemu lwabadde luyombo, olwo Tumwesigye n'aleeta ejjambiya n'atandika okumutema, olwamaze ne yeetwala ku poliisi e Matugga. Oluvannyuma poliisi y'e Matugg yamuzzizza e Luweero gye yaddizza omusango.

Omu ku batuuze Kevin Draru yagambye, omugenzi abadde yaakasenga mu kitundu wabula nga yal yaakaawukana ne bba.